**Mabira kyekimu ku bibiira binansangwawo ebitasanidde kutataganyizibwa mu mbeera y'abyo ey'obutonde olw'emigaso egy'enjawulo egitasobolakuddizibwawo singa kiba kitataganyizibwa. Kirina obunene bwa yiika 74,935**

(Dawkins, 1958).

# Emigaso

Mabira mulimu ebitonde eby'omuwendo okugeeza:

- Ebyobulamu: Mabira alimu emitti mingi egikolebwamu eddagala eririmu ebikolo ebyenjawulo ate nga n'abazungu babyetanila nnyo era bajja nebabigula kuno nebakolamu eddagala eriwonya endwadde ezenjawulo.

- Mabira akola enkuba era nafukilira enyanja Nalubaale (Lake Victoria) n'emigga egiliranyewo nga Sezibwa ne Musamya, okwo kwogatta n'amazzi abantu abaliranyewo gebakozesa.

- Mu Mabira mulimu ebitonde ebyenjawulo ate ebyomuwendo okugeza: ebinyonyi, ebisolo, ebiwuka n'ebimera, era bino birina omugaso okukuuma obutonde kuno nga kwotadde n'okusikiriza abalambuzi okuja okwelorerea ku kula lya Mabira, Awamu n'abanonyereza ku nsonga ezitali zimu okuyiga n'okwaza amagezi agekikugu agenjawulo.

- Mu Mabira mulimu amakampuni gavumentti geyakiriza okukoleramu emirimu egyenjawulo egivaamu ensibi naye nga tegitataganya butonde bwa mabira okugeza nga: Alam Group of Companies – ekolera mu emirimu egiweza obuwumbi bubiri obwa silingi za Uganda.

- Mabira asengejja omukka omubi oguva mu makolero n'ebidduka negufuula empewo ennungi; ne govumenti ya Uganda yeeyama okukuuma Mabira nga takyusa butonde bwa Mabira okusobozesa eddibiro lyamasanyalaze erya bujagali eligenda okuzimbibwa, okukola obulungi nga lirina amazzi agalimala.

## Mabira ngatemeddwa kiki ekiyinza okubaawo:

- Emigaso egyenjawulo egimenyeddwa waggulu gijja kukendera. Okugeza: tujja kwongera okussa empewo embi
- Eby'obulambuzi bijja kuzingama
- tujja kufiirwa ebimera eby'omuwendo ebibadde bikorwamu eddagala okuvumula endwade ezitali zimu.
- Enyanja n'emigga bijja kukalira era n'amazzi agakozesebwa mumaka gajja kukendera.
- Eddibiro lya masanyalaze Bujagali telijja kukola bulungi.
- Emigaso emirala njolo tujja kugifiirwa.

---

### Obadde okimanyi nti...

**"Ssemateeka wa Uganda akawairo 237 (2)(B) ka Gavumenti eyawakati n'ezebitundu zivunaanyizibwa okukuuma ebibira bino, emigga, entobazi, kulwa ba nansi?"**

**Naye bwewaabawo enteekateka y'okukyusa obutonde bwe bintu bino kulwo'bulungi bwa banansi, gavumenti ettekeddwa okwebuza ku banansi n'ebbakiriza.**

---

Tuwabula Gavumenti obutemawo Mabira kusimba bikajjo olw'esonga ezilambikidwa wagulu. Naye ekozese amagezi gano wamanga:

- Obwakabaka bwa Buganda buwaddeyo ettaka mu Mukono district elisibola okusimbibwako ebikajjo. Naye kyetagisa okuteesa n'okukiriziganya ettaka bwelinakozesebwa
- Waliwo n'abantu abalinanye kampuni ya SCOUL era nga balina ettaka ate nga basobola okulima ebikajjo wabula kyetagissa kwogera nabo nebakiriziganya ku miwendo egyegasa kampuni kuba egulila ebikajo.